# Eby' emikono

**Ekitundu 1**

**CID: Christian Investigation Department**

Ssande Sikuuru
CID:
CHRISTIAN INVESTIGATION DEPARTMENT
Kiwandiikiddwa Abaana Kikulu

## Baaji ya CID





### Ebyetaagisa

- Ekifaananyi kya baaji (1 buli mwana)
- Emmunyeenye eya kyenvu (1 buli mwana)
- Ennukuta entono "CID" (1 buli mwana)
- Obumasamasa
- Ekkalaamu Ezisiiga
- Ggaamu
- Makansi

### Endagiriro

1. Buli mwana muwe ekifaanayi kya baaji
2. Abaana bagambe basiige baaji zaabwe
3. Zinga ensonda za baaji ng'ozizza munda omale ozikwase ne ggaamu.
4. Kwasizaako emmunyeenye.
5. Emmunyeenye gisseeko obumasamasa.
6. Abaana bagambe balambe baaji zaabwe n'ebiboogerako. Manya: "ID Nnamba" esobola okubeera ennamba yonna nga #1234 oba X36-ROKSTR-91-b. Abaana bakkirize babeeko ennamba zebayiiiya. "Eddaala" lisobola okuba "CID", Omukessi, Kakensa, Munnassayaansi, n'ebirala.




## Akatabo k' Obujulizi

### Ebyetaagisa

- Obupapula okutali kintu obukubiddwamu obutuli (4 buli mwana)

- Obupapula obukaluba okutali kintu obukubiddwamu obutuli obujja okubikka ku katabo (2 buli mwana)
- Ennukuta entono "CID" (1 buli mwana)
- Ribboni eyeziinga (1 buli mwana)
- Ettala esaliddwa mu lupapula (1 buli mwana)
- Ggaamu
- Ekkalaamu Ezisiiga
- Makansi




### Endagiriro

1. Buli mwana awandiike erinnya lye era asiige akapapula akabikka ku katabo ke.
2. Kwasiza ennukuta "CID" n'ettala ku lupapula olubikka akatabo.
3. Kuba obutuli mu mpapula zonna nga kw'otadde n'olubikka akatabo.
4. Gatta empapula zonna n'ebibikka ku ngulu. Yisaamu ka ribboni mu butuli omale okasibeko ku njuyi zombi.

## Okuwunda Eccupa y' Amazzi

### Ebyetaagisa

- Olupapula olugazi olukaluba (1 buli mwana)
- Ennukuta ennene "CID" (1 buli mwana)
- Ribboni eyeziinga (1 buli mwana)
- Eby'okuwundisa ebisaliddwa mu lupapula omuli tooci n'ekirawuli ekigezza ebintu (1 buli mwana)
- Ggaamu
- Makansi

### Endagiriro

1. Kwasiza ennukuta "CID" n'eby'okuwunda ebibiri  (ekirawuli ekigezza ne tooci) ku lupapula plukaluba.
2. Yisa ribboni mu butuli obuli ku njuuyi zombi ez'olupapula olukaluba.
3. Yingizaamu eccupa omale onyweze. Ribboni gisibe enyewere eky'okwewunda kireme kuseetuka ku ccupa.

